
# Bamalirizza Bukedde End Of Term 1 Exams




Abayizi ba Mugwanya Preparatory e Kabojja nga bakola ekigezo kya Bukedde end of term one ekya Science.

Bya PONSIANO NSIMBI

EBIGEZO bya ***Bukedde*** ebimalako olusoma olusooka eby'abayizi ba P7 bikomekkerezeddwa n'ekigezo ky'Oluzungu nga Ansa zaakyo zaakufulumizibwa mu ***Bukedde*** wa Mmande ya wiiki ejja.

Amassomero agakoze ebigezo bino gatenderezza ***Bukedde*** olw'omutindo gwabyo ne bagisaba okugenda mu maaso ne mu lusoma olwokubiri.

Akulira okutunda amawulire ga ***Vision Group***, Bruce Byaruhanga yeebazizza amasomero olw'okujjumbira enteekateeka gy'agamba nti yaakuyamba abayizi n'abasomesa okweteekateeka obulungi PLE. Yagambye nti ebigezo bino biteekebwateekebwa abasomesa abakugu mu masomero agali mu Kampala ne Wakiso. N'agamba ebigezo bino bigendereddwaamu okuteekateeka abayizi n'okubaggyamu ekiwuggwe nga balindirira okutuula ebigezo bya PLE.



Abayizi ba St Bernadatte Inland primary school nga bakola ekigezo kya Science ekya Bukedde.

Oluvannyuma lw'ebigezo bino, ***Bukedde*** egenda kuddamu okufulumya ebibuuzo bya PASS PLE buli Mmande n'Olwokuna.

Byaruhanga yabakubirizza abaamasomero okwegatta ku Club za ***Bukedde*** eza Pass PLE n'okusigala nga bagula amawulire ga ***Bukedde*** ku Sh1000 zokka okuyamba abayizi baabwe okweteekateeka obulungi.